| Essomo 7 | الدرس السابع |
|---|---|

# Okutayammama:

Okutayammama kwekwetukuza nga tukozesa ettaka oba enfuufu entukuvu oba ekyo kyonna ekiva mu ttaka. Okutayammama kuno kukkirizibwa eri oyo ali ewaka n'oyo ali mu lugendo, era kubeerawo olwokulemererwa okufuna wudhu n'amazzi oba okulemererwa okunaana olunaaba olunene n'amazzi, nga kubeerawo olw'ensonga zino wammanga;

**1.** Okubulawo kw'amazzi oba okubeerawo naye nga tegamala kwetukuza nago, naye nga omaze okuganoonya negabula, olwonno bwegakubula otayammama. Oba singa gaba nga gakuli kumpi naye ng'otya okufuna obuzibu singa ogendayo oba okutya okunyagibwa kwemmaliyo ebyobugaggabyo singa obirekawo okugenda okuganoonya.

**2.** Okubeera nga kubimu kubiyungo ebinaabibwa birina ebiwundu oba ebinuubule obinaaba naye singa otya nga okubinaaba kubikosa abisiigako olusiiga olwangu n'engaloze. Wabula singa n'okusiiga kuba kunaamukosa, anaaba ebiyungo ebilamu natayammama kulwabino ebilwadde.

**3.** Okubeera nga obudde bwa butiti bunyogovu nnyo n'atya nti bw'akozesa amazzi gajja kumukosa.

**4.** Okubeerawo kwamazzi naye nga ate ogetaaga okunywa oba okufumba mumbeera eno otayammama.

**Ebitendo byokutayammama:**

Okutayammama omuntu ateekwa okuleeta enniya mu mutima gwe ewatali kugyatula nalulimi. Bw'amala naakuba nebibatubye ku ttaka olukuba lumu bwamala n'asiiga ekyenyikye, bwamala n'asiigisa ekibatu ky'omukono gwe ogwakkono kungulu kwekibatu ekya ddyo, n'ekya kkono bw'atyo. Era eyonooneka Tayammam eno nabuli kyonna ekyonona wudhu naye yo n'eyongerako okulabika kw'amazzi oba okuvaawo kwekyo ekibadde kimulemesezza okugakozesa. Ekitegeesa singa esswala etuuka nga galabise olina okufuna wudhu songa singa gafunibwa oluvanyuma olwokusaala esswala ebeera ntuufu, teddibwamu.